# Abayizi bawabuddwa ku biyinza okubalemesa



Faaza Ssonko g'abuulirira abayizi.

FAAZA Edward Ssonko okuva mu Our Lady of The Holy Rosary Kitagombwa Parish mu ttawuni kkanso y'e Kasangati asabye abayizi okwewala ebikolwa ebiyinza okubaleetera okwejjusa mu bulamu kyokka nga basobolera ddala okubyewala kuba biyinza okubalemesa okumalako emisomo gyabwe.

Faaza Ssonko yabadde akulembeddemu ekitambiro kya Mmisa esabira abayizi abaayingidde S1 wamu n'aba S5 ku ssomero lya St Mary's High School Gayaza -Mawule mu muluka gw'e Katadde mu Ggombolola y'e Nangabo mu Kasangati Town Council . Yabasabye kukola ebyo byokka ebirungi kubanga akoze ebirungi tasaanidde kwennyonnyolako. Omutandisi w'essomero lino Hillary Kabesindira yasabye abayizi okwewala ebiyinza okubaggya ku mulamwa omuli omuze gw'okweganza wabula bakimanye nti balina kusooka kusoma eby'omukwano baakubisanga nga bamalirizza ebitabo n'abamu bituuke n'okubatama.